

# **EBIKOLO BYA AQEEDAH**

## **أصول العقيدة - أوغندي**



جمعية الدعوة والإرشاد ونوعية الحالات في الزلفي  
هاتف: 966 164234477 - فاكس: 966 164234466

# **أصول العقيدة**

**أعده وترجمه إلى اللغة الأوغندية**  
**جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي**  
**الطبعة الأولى: ١٤٤٥ / ٨ ص.**

**ح جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي ، ١٤٤٥ هـ**

بالزلفي ، جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات  
أصول العقيدة - أوغندي . / جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية  
الجاليات بالزلفي ؛ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات الزلفي  
- ط . . - الزلفي ، ١٤٤٥ هـ

٦٢ ص : ١٢/١٧ سم.- (١ : ١)

رقم الإيداع: ١٤٤٥/١٨٠٩٦  
ردمك: ٩٧٨-٦٠٣-٨٣٩٩-٢١-٧

## EBIKOLO BYA AQEEDAH

### أصول العقيدة

#### **Tawhiid n'emiteeko gye**

**TAWUHIID** kw'ekwawula Katonda omugulumivu, n'ebyo byonna ebimweyawuliddeko era ebyetteeka kuyye mu bika bya Ibaada (okusinza) era nga okusinza ky'ekisinga obunene mw'ebyo by'ayagala Allah omudduve okubikola.

Agamba Allah mu Qur'an Surat Ikhilaswi Aya 1:

قال الله تعالى: ﴿ قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ ﴾ [الإخلاص: ۱]

"*Bagambe nti ye Katonda ali omu yekka*".

Era n'agamba Allah mu Surat Dhaariyat Aya 56 nti:

وقال سبحانه: ﴿ وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّةِ وَالْإِنْسَانَ إِلَّا لِيَعْبُدُونِ ﴾ [الذاريات: ۵۶]

"*Saatonda majinni na bantu okujjako nabatonda lwa kunsinza*".

Era n'agamba Allah mu Surat Nisaai Aya 36 nti:

وقال سبحانه: ﴿ وَاعْبُدُوا اللَّهَ وَلَا تُشْرِكُوا بِهِ شَيْئًا ﴾ [النساء: ۳۶]

"*Musinze Katonda era temumugattako kintu kirala kyonna*".

## **Ne Tawhiid ono ateekululwamu emiteeko esatu:**

1. Okwawula Katonda mu bulezibwe.
2. Okwawula Katonda mu kumusinza.
3. Okwawula Katonda mu mannyage n'ebitendo bye.

### **1. TAWHEED ALRUBUUBIYYAH:**

**N'ogusooka; Okwawula Katonda mu bulezibwe:** nakwo kw'ekwawula Katonda mukutondakwe n'okulabirira wamu n'okutambuza ensi eno era n'okkiriza nti yemugabirizi yaawa obulamu era yatta. Nannyini bwakabaka bw'amagulu omusanvu nensi, agamba Allah mu Surat Fatwir Aya 30 nti:

قال تعالى: ﴿ هَلْ مِنْ خَالِقٍ غَيْرُ اللَّهِ يَرْزُقُكُمْ مِنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ فَإِنَّى تُؤْفَكُونَ ﴾ [فاطر: ۲۳]

Agamba Allah nti "Abaffe waliyo omutonzi atali Allah abagabirira okuva muggulu ne mu nsi? Ddala tewali asinzibwa yenna mu mazima okujjako Yye, ngeri ki ate bwemukyuka nemuva ku kusinza yye ate nemusinza abirala?! "

Era agamba Allah mu Surat Mulk Aya:1

وقال: ﴿تَبَارَكَ الَّذِي بِيَدِهِ الْمُلْكُ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ﴾ [الله: ١].

Agamba Allah nti: "Yatukula Katonda oyo mu mukonogwe omuli obwakabaka bwa buli kintu era Ye buli kintu akilinako obusobozi". N'obwakabaka bwa Allah buno bubuna ku buli kintu ekiri ku nsi, yeetaayiza mubwo nga bw'aba ayagadde.

Ate okwawula Allah mu bulabirizi; mazima Allah y'eyeeyawulidde mu kutambuza n'okulabirira ensi eno n'ebyo ebigrimu ebitonde. Nga bw'agamba Allah mu Surat A'araafu Aya 54 nti:

قال سبحانه: ﴿أَلَا لَهُ الْخَلْقُ وَالْأَمْرُ تَبَارَكَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ﴾ [الاعراف: ٥٤]

Agamba Allah nti: "Era mukimanye nti ye nannyini Kutonda era yenannyini bilagiro byonna, yatukula Allah omulezi w'ebitonde byonna."

Era okulabirirakwe okwo kubuna ebitonde byonna era omuteeko guno tewali baaguwakanya okujjako batono nnyo mu bantu bajeemu, so nga ate awamu n'okuguwakanya kwabwe emitima gyabwe gyali gigukakasa, nga Allah bwagamba mu Surat Namul Aya 14 nti;

قال تعالى: ﴿وَجَحَدُوا بِهَا وَاسْتَيْقَنْتُهَا أَنفُسُهُمْ ظُلْمًا وَعُلُوًّا﴾ [النمل: ١٤]

Agamba Allah nti "Baagiwakanya (enzikiriza eyo entuufu) naye negigikakasa emitima gyabwe munda (naye nga bawakanya lwa bulyazamanya nakwekuza". Kyokka ate okukkiriza kuno kwokka tekugasa muntu abeera akukkiriza nga era bwekutaagasa bannashiriki bwe bakukkiriza ng'ate bwebamugattako Allah ebintu ebirala mu kumusinza nga Allah bwagamba mu Surat Ankabuut Aya 61 nti:

قال الله عنهم: ﴿وَلَئِنْ سَأَلْتَهُمْ مَنْ خَلَقَ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضَ وَسَخَّرَ  
الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ فَإِنِّي يُؤْفَكُونَ﴾ [النَّبِيُّ: ٦٦]

Agamba Allah nti "Era singa obeera obabuuzizza nti ani yatonda eggulu omusanvu n'ensi era n'agonza enjuba n'omwezi?, bakuddamu nti Allah, bagambe ate Iwaki muva kumazima?!".

## **2. TAWHEED AL-ULUHIYYAH**

**N'omuteeko ogwokubiri;**

**Kw'ekwaawula Katonda mu kumusinza:**

Nakwo kw'ekwawula Katonda mu bika by'okusinza byonna, amakulu: omuntu tateekawo kintu kyonna nga akigatta ku Allah mu kumusinza, era nga omuteeko guno gw'egusinga obukulu mu miteeko

gy'okwawula Katonda era gw'egwo ogw'atonza Allah abantu, nga bw'agamba mu Surat Zhariyaat Aya. 56 nti:

قال تعالى: ﴿وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونَ﴾ [الذاريات: ٥٦]

Agamba nti: "Saatonda majinni yadde abantu okujjako lwa kunsinza".

Era gw'emuteeko ogw'atumisa ababaka n'ebitabo nebissibwa nga bw'agamba Allah mu Surat Anibiya Aya 25 nti:

قال تعالى: ﴿وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ رَسُولٍ إِلَّا نُوَحِّي إِلَيْهِ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاعْبُدُونَ﴾ [الأنبياء: ٢٥].

Agamba nti "Era tetwatuma mubaka yenna olubeleberye lwo (gwe Nabbi Muhammadi) okujjako twassa gyaali obubaka obugamba nti: tewali asinzibwa mu mazima okujjako nze (Katonda omu) n'olwekyo munsinze nzekka".

N'omuteeko guno ogwa Tawuhiid gw'emuteeko gwe baagaanira ddala banna shiriki era nebaguvumirira mu kiseera ba nnabbi webaabakoowoola okugukkiriza ne babagamba nga Allah bw'atugamba mu Qur'an Surat Aarafu, Aya 70:

قال تعالى: ﴿قَالُوا أَجِئْنَا لِنَعْبُدَ اللَّهَ وَحْدَهُ وَنَذَرَ مَا كَانَ يَعْبُدُ آبَاؤُنَا﴾

[الأعراف: ٧٠]

Baagamba nti: "*Otujjidde tusinze Katonda omu (Allah) otulese ebyo bakitaffe byebaali basinza...*"

N'olwekyo tekikkirizibwa kukwata Ibaada yonna mu bika bya Ibaada n'ogikolera ekintu ekirala kyonna ekitali Allah, k'ebeere malaika eli okumpi ennyo ne Allah, k'abeere nabbi eyatumwa, k'abeere (Waliyyu) omuntu omulongoofu, k'abeere omulala yenna mubitonde, kubanga Ibaada tekikkirizibwa kukolerwa kitonde kyonna okujjako Allah.

### **3. TAWHEED AL-ASMAAI**

#### **WASWIFAAT.**

**N'omuteeko ogw'okusatu kw'ekwawula Allah mu manyage n'ebitendo bye:**

Nga nagwo kwe kukkiriza ekyo kyonna kyeyeyita Allah mu manyage, oba kyeyetenda nakyo mubitendo, oba erinnya lyeyamuyita omubaka (SAW), oba ekitendo kyeyamutenda nakyo (SAW) era nga bino tubimukakasaako mu ngeri emweyawuliddeko yekka emusaana awatali (tahriif:) Okukyusa amakulu g'ekitendo agokungulu

agamanyiddwa awatali bujulizi, yadde (ta-atwilu:) Okujirawo ddala ekitendo n'okigaana oba okugaana ebimu kubyo, oba ate (Attakiyiifu:) okunoonya n'okugeraageranya engeri y'ebitendo bya Allah gyebilimu oba gyebikolamu n'ogamba nti: Allah alaba bwaati oba awulira bwaati, era tetussaamu - mu bitendo bya Allah- (Attamuthiilu:) kw'ekubifananya n'ebyebitonde, okugeza nga bw'ogamba nti; ebitendo bye bifaanana n'ebyebitonde, okugeza Allah akka okuva waggulu nga omu muffe bwakka ku madaala.

Wamu era ne tuwakanya byonna byeyeewakanako nti tabiri, wamu ne nabbi byeyatugamba nti tabiri. Ate omubaka (SAW) ekkyo ky'ataatusomesa mubyo nakukikakasa ku Allah oba kukigaana ekkyo tulina ekkomo ku kyo (tetukiyingirira).

**Eby'okulabirako by'amannya ga Allah amalungi:**

Allah yeetuumma Al Hayyu\_L Qayyuum, kitegeeza nti kyatteeqa gyetuli okukkiriza nti Allah ye Al-Hayyu era nti eryo linnya mu mannyage Allah. Era okukkiriza amakulu gaalyo nti Allah ye mulamu ow'olubeerera ataakulemberwa butabaawo ate atagenda kusaanawo.

Allah yetuuma Assamii-u – era naffe tulina okukkiriza nti Assamii-u linnya mu mannya ga Allah era nti mulinnya eryo Asamii-u mw'emuva ekitendo eky'okuwulira kuba litegeeza nti Allah awulira.

### N'ekyokulabirako kubitendo:

Agamba Allah mu Surat Maaida Aya. 64

قوله تعالى: ﴿وَقَالَتِ الْيَهُودُ يَدُ اللَّهِ مَغْلُولَةٌ غُلْتُ أَيْدِيهِمْ وَلَعْنُوا بِمَا قَاتَلُوا بَلْ يَدَاهُ مَبْسُوتُ طَانٍ يُنْفَقُ كَيْفَ يَشَاءُ﴾ [المائدۃ: ۶۴]

Agamba nti: "Baagamba abayudaaya nti emikono gya Allah mikolige misibe (tasobola kugaba), egyabwe gyegyakoligibwa era nebakolimirwa kulw'ekyo kyebaayogera, wabula emikonogye Allah myanjulukufu gyombi agaba nga bw'ayagala.." Bwatyo Allah ney'ekakasaako emikono ebiri egitendebwa n'okugaba ate okuyitirivu, n'olwekyo nekiba nga kitukakatako okukkiriza nti Allah alina emikono ebiri.

Era Allah bw'agamba nti alina emikono ebiri myanjulukufu mukugaba n'okuwa ebyengera, tukkiriza bw'etutyo naye ate era kitukakatako okwewaza emitima gyaffe okutandika okuteebeleza wadde ennimi zaffe okukyogera olw'okwagala

okutuuka ku ngeri emikono gye gyegigabamu oba gyegifaananamu olwokwewala okugifananya emikono gy'ebitonde. Kubanga Allah agamba mu Qur'an Aya 11 Surat Shuura;

قال تعالى: ﴿لَيْسَ كَمِثْلِهِ شَيْءٌ وَهُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ﴾ [الشورى: ۱۱]

Agamba nti: "Talina kyonna Allah kimufanana era ye awulira nnyo era alaba nnyo",

Mukuwumbawumba kunsonga eno, ku muteeko gwa Tawuhiiid guno kwe kukakasa nti tukakasa ku Allah ekyo kyonna kyey'ekakasaako oba kyeyamukakasaako Nabbiwe era netumujjako ekyo kyeyejjako oba kyeyamujjako nabbiwe omubaka Muhammadi (SAW) mumanya n'ebitendo ewatali kubikyusa makulu gabyo nga bwetwalaba wadde okubifaananya eby'ebitonde wadde okufaananya enkola y'abyo wadde okubijjalawo ddala nti tebiriiyo.

## **Amakulu g'ekigambo kya Tawuhiid**

**(okwawula Allah) ekya Laaillah illa Llah.**

Ekigambo ekyo eky'okwawula Katonda gw'emusingi gw'eddiini y'obusiraamu era y'empagi esooka mu mpagi z'obusiraamu era ekitundu ekisinga obunene mu bitundu by'obukkiriza era n'okukkirizibwa kw'emirimo gy'omuddu kuyimiridde kukukyatula n'okumanya amakulu gakyo n'okukikolerako. So nga okumanya amakulu gakyo n'okolera kukyo byeabin;

Go amakulu gakyo ago omuntu gaatakeekwa kugatamattamamu mu kugategeera;

Kwe kukkiriza nti (*tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah*). Okukkiriza okwo okukaka omuntu okusinza Allah mubwomubwe n'okuleka okusinza atali yye. Era n'ensobi ennene ennyo ekolebwa abamu ku bantu kwekukiwa amakulu agagamba nti (*tewali yatonda okujjako Allah*) wadde nga kituufu nti Allah y'eyatonda, naye si g'emakulu g'ekigambo kya "*Laaillah illa Llah*". Oba abalala abagamba nti: Tewali asobola kutonda okujjako Allah, oba nti teri aliwo okujjako Allah. Gano nago mafu, si g'emakulu gaakyo amatuufu.

## **Ekigambo kino kirina empagi bbiri;**

### **1. Okujjawo**

Nga tugambya nti "tewali kisinzibwa" kuba awo okusinzibwa okutuufu kuba kujjiddwa ku buli kintu kyonna.

### **2. Okunywezaawo**

Amakulu bw'omala okujjawo okusinzibwa kwekintu ekirala kyonna nga kisinzibwa mu mazima, bwotyo n'onyweza n'ekigamba nti "illa Llah", amakulu nti asinzibwa mu mazima yekka ye Allah tekigwanira kukyusa ibaada yonna n'ekolebwa kulw'omulala yenna atali Allah. Omuntu ayogera ekigambo kino nga ategereera amakulu gaakyo era nga akikolerako n'aleka shiriki n'akakasa obw'omu bwa Allah n'okukkiriza okunywevu ku byonna ebikiyingiramu n'akikolerako oyo y'abeera omusiraamu owannamaddala.

Ate akikoleko (byekiragira) naye nga takikkiririzaamu abeera munnanfuusi, wabula ate akola eky'ennyume kyakyo nga okkola shiriki (okugatta ku Allah ebirala), oyo abeera mushiriku, era nga mugyemu, k'abeere nga akyogera nakiyisa ku lulimirwe.

### **Ebirungi by'ekigambo kino:**

Ekigambo kino ekya La illah illa Llah kirina ebirungi n'ebiyengera ebikivaamu bingi nga ne mubyo;

**1.** Ekigambo kino kifuuka ensonga egaana omuntu okubeera mu muliro emirembe n'emirembe eri abo abaliba balina okuguyingira mw'abo abaalina Tawuhiid. Amakulu nti wadde baliba bakakaseeko okuyingira omuliro olwagamu ku mazambi gabwe, naye olwokuba baalina Tawuhiid tebagenda kugubeeramu mirembe na mirembe.

Nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim egamba nti;

ففي الحديث أنَّ رَسُولَ اللَّهِ - ﷺ - قَالَ: ((يَخْرُجُ مِنَ النَّارِ مَنْ قَالَ: لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ، وَفِي قَلْبِهِ وَزْنٌ شَعِيرَةٌ مِّنْ خَيْرٍ، وَيَخْرُجُ مِنَ النَّارِ مَنْ قَالَ: لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ، وَفِي قَلْبِهِ وَزْنٌ بُرْرَةٌ مِّنْ خَيْرٍ، وَيَخْرُجُ مِنَ النَّارِ مَنْ قَالَ: لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ، وَفِي قَلْبِهِ وَزْنٌ ذَرَّةٌ مِّنْ خَيْرٍ)) [متفق عليه: ٤٤، ١٩٣].

Agamba Omubaka wa Allah (SAW) nti: "Agenda kufuluma omuliro oyo yenna eyayatula laa ilaaha illa Llah nebwananaba nga mu mutimagwe alinamu akalungi katono nnyo nga empeke y'akalo, era ajja kuva mu muliro oyo yenna eyalina obukkiriza mu

*mutimagwe newankubadde nga butono nnyo nga akanyinkuuli".*

**2.** Nekulw'ensonga y'ekigambo ekyo yatondebwa omuntu n'amajinni. Era nga Allah bw'agamba mu Surat Zhariyat Aya 56

قال الله تعالى: ﴿وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونَ﴾ [الذاريات: ٥٦]

"Agamba Allah nti saatonda bantu yadde Majinni okujjako lwa kunsinza"

**3.** Era kulw'ekigambo kino baatumwa ababaka era nebissibwa ebitabo.

Agamba Allah mu Suratu Anibiyaa Aya 25 nti;

قال تعالى: ﴿وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ رَسُولٍ إِلَّا نُوحِي إِلَيْهِ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاعْبُدُونَ﴾ [الإنياء: ٢٥]

Agamba "Era tetwatuma olubeleberye lwo (Nabbi Muhammadi SAW) mu babaka yenna okujjako twassa obubaka gy'ali nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako nze (Katonda wammwe oomu) kale munsinze nzekka".

**4.** Era ekigambo kino kyekisumuluzo kya Da-awa ababaka Ba nabbi bona ky'ekyali ekigambo

kyebagguzangawo Da-awa yabwe nga buli mubaka agamba abantu be nti: abange abantu bange mukkirize nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah mugenda kwesiima, era tewali asinzibwa mulala okujjako yye. Nga bw'agamba Allah mu Surat Aarafu aya 59 "

﴿...يَا قَوْمٍ اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ﴾ [الأعراف: ٥٩]

"...nti abange bantu bange musinze Katonda yekka (Allah) temulinaayo musinzibwa mulala asinzibwa mu mazima atali yye..."

### **Obukwakkulizo bwa Laa illah illa llah:**

Ekigambo kino eky'okwawula Katonda (Laa illaha illa llah) kirina obukwakkulizo musanvu nga omuddu singa akkiriza n'atabutuukiriza tekibeera kituufu era talina wadde okumenya ekintu kyonna mubukwakkulizo bwakyo, nga bw'ebuno;

#### **1) Okumanya:**

Okumanya kuno kw'ekumanya amakulu g'ekigambo kino mu kujjawo kwakyo (ebisinzibwaebirala byonna) ne mukunyweza kwakyo (okusinzibwa ku Alla yekka), wamu n'okumanya ebyo byekikukakasaako okubikola bw'obeera nga okkirizza.

Okugeza omuddu bw'amanya nti Allah y'ateekwa okusinzibwa yekka mubwomu bwe, nti era okusinza atali yye abeera asinziddwa mu bukyamu, oyonna y'abeera ategedde amakulu gakyo agannamaddala, nga bwagamba Allah mu Surat Muhammad Aya 19.

قال تعالى: ﴿فَاعْلَمْ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ﴾ [عمر: ١٩].

Agamba Allah nti "Era manya nti mazima tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah (omu yekka)" Era n'agamba omubaka (SAW) mu Hadith eyawandiikwa Imaam Musilimu nti;

عن عثمان بن عفان رضي الله عنه، عن النبي صلوات الله عليه وآله وسلامه قال: ((من مات وهو يعلم أنه لا إله إلا الله دخل الجنة)) [مسلم: ٢٦].

"Agamba Uthuman nga ajja ku Nabbi (SAW) nti yagamba nti: "Omuntu yenna afa nga akimanyi nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah w'akuyingira ejjana"

## **2) Okukakasa okwannama ddala:**

Okukakasa okwannamaddala kuno ye muntu okw'atula ekigambo kino ekya Shahada nga kujjuvu mu mutima gwe era negutebenkera kukyo awatali kubeeramu kubuu sabuusa kwa shayitwan (mu

bantu ne mu majinni kwaleetera abamu) , wabula akyogera n'okukakasa n'ebyo byekitukakasaako nga mukakafu ddala olukakasa olunywevu ddala, nga Allah bw'agamba mu Suratul Hujurat Aya 15;

قال الله تعالى: ﴿إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ ثُمَّ لَمْ يَرْتَأُبُوا﴾

[الجرات: ١٥]

Agamba Allah nti "mazima abakkiriza abannamaddala beebo abakkiriza Allah n'omubaka we n'olvanyuma nebatabaamu na kubuusabuusa kwonna".

Era agamba Omubaka (SAW) mu hadith ya Muslim

وعن أبي هريرة -رضي الله عنه- أن رسول الله -صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ- قال: «أشهد أن لا إله إلا الله وأنى رسول الله، لا يلقى الله بهما عبدٌ غير شاكٌ فيهما، إلا دخل الجنة» [رواوه]

. مسلم [٢٧]

Agamba Abi Huraira -رضي الله عنه- nti mazima omubaka wa Allah (SAW) yayogera ekigambo kya "Shahada" nti "Mazima nkakasa tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era nti nange (Muhammadi) ndi mubaka wa Katonda" omuddu tayinza kusisinkana nabyo Allah nga tabibuusabuusamu okujjako nga w'akuyingira ejjana".

### 3) Okukkiriza;

Era omuntu kwe kukkiriza ekigambo ekyo n'omutimagwe wamu n'olulimilwe nakkiriza nabuli kyonna kyekitukakasaako okukola era n'akakasa byonna omubaka (SAW) byeyannyonnyola era n'abikkiriza, era nga akkiriza ekigambo kino nga talina ky'anoonyamu okujjako okusanyusa Allah, nga bw'agamba Allah mu Surat Baqara aya 285.

قال الله تعالى: ﴿أَمَنَ الرَّسُولُ بِمَا أُنْزِلَ إِلَيْهِ مِنْ رَبِّهِ وَالْمُؤْمِنُونَ كُلُّ أَمَنَ بِاللهِ وَمَا لِئَكَتِهِ وَكُتُبِهِ وَرُسُلِهِ لَا فُرَقٌ بَيْنَ أَحَدٍ مِنْ رُسُلِهِ وَقَالُوا سَمِعْنَا وَأَطْعَنَا عُفْرَانَكَ رَبَّنَا وَإِلَيْكَ الْمَصِيرُ﴾ [البقرة: ٢٨٥]

Agamba Allah nti: "Yakkirizza omubaka ebyo byonna ebyassibwa gyali okuva eri omuleziwe, (Allah) wamu n'abakkiriza, bona wamu bakkirizza Allah, ne bamalayikabe n'ebitabobye n'babakabe era tetwawula wakati w'omu yenna mu babakabe (Allah) nebagamba nti tuwulidde netugonda, tusabye ekisonyiwo kyo Katonda mukama waffe era gyoli y'eri obuddo".

So nga era kyebayita okugaana ekigambo kino kitwaliramu okuwakanya agamu kumateeka g'obusiraamu (shariya) gamba nga okuwakanya

ebimu kubibonerezo Allah byeyassaawo, nga: okukuba omwenzi amayinja, okutema omukono eri oyo abeera abbye, n'ebirala ng'omuli okukkiriza okuwasa abakyala abasukka kw'omu oba engabanya y'ebiyobusika n'ebirala.

Agamba Allah mu Surat Ahizaabu aya 32.

قال تعالى: ﴿وَمَا كَانَ لِمُؤْمِنٍ وَلَا مُؤْمِنَةٍ إِذَا قَضَى اللَّهُ وَرَسُولُهُ أَمْرًا أَنْ يَكُونَ لَهُمُ الْخَيْرَةُ مِنْ أَمْرِهِمْ﴾ [الأحزاب: ٣٦]

Agamba Allah nti: "Tekiteekwa kubeera eri omukkiriza omusajja wadde omukkiriza omukazi singa Allah n'omubakawe baba basazeewo ensonga yonna ate yye (omukkiriza) n'abaako n'okwesalirawo okulala kwonna (okwawukana kukusalawo kwa Allah n'omubakawe)".

#### **4) Okuteeka mu nkola:**

Amakulu: kwekuteeka mu nkola ebyo byonna ekigambo kino byekikukakasaako okukola. Enjawulo wakati w'akakwakkulizo akookuna nakawedde ak'okusatu ak'okukkiriza, eri nti kano akasoose ak'okukkiriza ko kwe kw'olesa n'okukkiriza n'olulimi mukwatula, naye kano ak'okuna kwe kukkiriza n'ebikolwa n'okukkiriza ekigambo kino nga

ogoberezaako ebikolwabyo amakulu nga nabyo biraga nti wakikkiriza.

Era omuntu bw'amanya amakulu ga Laa illah illa illah n'abeera n'okukakasa okwannamaddala ku kyo era nakikkiriza wabula natagoberezaako okukakasa kuno okw'ebikolwa okuba nga ajemulukukira ddala n'akolera ku kimulagirwa ekyo kyeyamanya mu kigambo kino, mazima omuntu oyo abeera teyatuukiriza kakwakkulizo kano. Nga bw'agamba Allah mu Suratu Zumar aya 54

قال الله تعالى: ﴿وَأَنِيبُوا إِلَى رَبِّكُمْ وَأَسْلِمُوا لَهُ﴾ [الزمر: ٥٤]

Agamba Allah nti: "Mudde eri Allah era mumujeemulukukire"

era Allah n'agamba mu Suratu Nisa aya 25 nti;...

وقال تعالى: ﴿فَلَا وَرَبَّكَ لَا يُؤْمِنُونَ حَتَّىٰ يُحَكِّمُوكَ فِيهَا شَجَرَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ

لا يَجِدُوا فِي أَنفُسِهِمْ حَرَجًا مِّا قَضَيْتَ وَيُسَلِّمُوا تَسْلِيمًا﴾ [النساء: ٦٥].

Agamba Allah nti: "Nedda nkulayirira Katondawo gwe Muhammadi tebagenda kubeera bakkiriza bannamaddala okutuusa nga bakulamuzza ku buli nsonga egudde wakati waabwe ate oluvanyuma Iw'okubalamula nebalema kubaamu nankenyera

*kw'ekyo ky'olamudde era nebajeemulukuka olujemulukuka olwannamaddala".*

### 5) Amazima

Nga n'okukakasa kuno oba amazima gano kw'ekubeera nga omuntu akyogera nga akakasiza ddala mu bukkirizabwe olukakasa olwannamaddala era n'aba mwesimbu mu nzikirizaye, nga Allah bw'agamba mu Suratu Tawuba aya 119 nti;...

قال تعالى: ﴿يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَكُوْنُوا مَعَ الصَّادِقِينَ﴾

[الشورة: ١١٩]

"Agamba Allah nti: "Abange mmwe abakkiriza mutye Allah era mubeere n'aboogera amazima abeesimbu".

Era agamba omubaka (SAW) mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Ahmad, ate Alban n'ajifulumya nga ntuuufu' agamba nti;

وقال - عَنْ عَبْدِ اللَّهِ بْنِ عَمَرَ رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُمَا : ((مَنْ شَهَدَ أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ صَادِقًا بِهَا دَخَلَ الْجَنَّةَ))

[رواه أحمد، وصححه الألباني]

Agamba nti: "Omuntu akkiriza n'ayatuza n'olulimirwe nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah nga akikakasa mu mazima ayingira ejjana".

Singa omuntu ayatula ekigambo kino n'olulimirwe naye omutima gwe negulimbisa ebyo byekimulaalikako okukolebwa ekyo tekimuwonya wabula ayingira munzikiriza y'ekibinja kyabannanfuusi.

Ate ne mw'ebyo ebifuula omuntu okuba ekyennyume ky'abo abakyogera n'amazima; kwekulimbisa ekintu kyonna omubaka (SAW) kyeyayigiriza oba ebimu kw'ebyo byeyayigiriza kubanga Allah yatulagira okumugondera n'okumukakasa era ekyo n'akigerageranya n'okumugondera yye kenyini Allah. Agamba Allah mu Suratu Nuuru aya 54 nti;

قال تعالى: ﴿قُلْ أَطِيعُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ﴾ [النور:٥٤]

Agamba Allah: "Bagambe nti mugondere Allah era mugondere n'omubaka.."

## **6) Okukyogera kulwa Allah:**

Amakulu; kwe kwatula ekigambo kino ngonoonya kusanyusa Allah, nga nakwo kwekulongoosa omuntu kw'alongosaamu omulimugwe nga agukolera ku nniya ennungi etaliimu bumulumulu bwa shiriki (kabandabe) bwatyo n'avaamu ebigambo bye byonna n'ebikolwabye byonna nga

abinoonyamu kusanyusa Allah kuba abikola kululwe, nga temuli kunoonya kumulaba bamuwaane oba bamuwulire oba okunoonyamu emigaso emirala oba byayagala mu muntu yenna oba okwatiikirira n'okumanyibwa oba nga awalirizibwa olwo kwagalwa omuntu yenna oba amazihibu oba ekibinja nga kyekimuwliriza naye nga si nkola ya mubaka, wabula alina okubeera nga byonna abikola kulwa Allah era nga abikolera ku njigiriza y'omubaka (SAW) olw'okusanyusa Allah n'okwagala ennyumba ey'emirembe eyenkomerero (ejjana), era nga tatunuulira muntu yenna na mutimagwe mu bantu nti y'aba amusasula mubyakola wadde okumwebaza.

Agamba Allah mu Surat Zumara aya 3 nti;

قال الله تعالى: ﴿أَلَا لِلّهِ الدِّينُ الْخَالِصُ﴾ [آل عمران: ٢٣]

Agamba Allah nti "Abange mumanye nti ye Katonda eddiini ekolebwa kululwe yekka",

Era n'agamba Allah mu Surat Bayyina Aya 5 nti;

وقال سبحانه: ﴿وَمَا أَمْرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُحْلِّصِينَ لَهُ الدِّينَ﴾ [آل بيته: ٥]

"Era abaddu temwalagirwa okujjako okusinza Katonda nga mumwawulira eddiini (amakulu nga buli kintu kikolebwa kululwe kunoonya kusiimakwe)".

Era n'agamba omubaka (SAW) mu Hadith ya Itiban eyawandiikwa Imaam Bukhar ne Musilimu nti;

وفي الصحيحين من حديث عَبْدِ اللَّهِ بْنِ عَمْرٍو : ((فَإِنَّ اللَّهَ قَدْ حَرَمَ عَلَى

النَّارِ مَا قَالَ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ، يَبْتَغِي بِذَلِكَ وَجْهَ اللَّهِ)) [متفق عليه: ٤٢٥ ، ٣٣].

"mazima Allah yaziyyiza omuliro kumuntu eyayatula ekigambo kya Laa illah illa Allah nga akinonyamu kusanyusa Allah".

### **7) Obwagazi mukyo:**

Bwe bwagazi bw'ekigambo kino ekikulu ennyo n'ebyo byekitulaalikako okukola, n'obeera nga oyagala Allah n'omubakawe olwagala olusinga byonna byoyagala era n'otuukiriza obukwakkulizo bw'okwagala nebyo byebukukakasaako okuba nabyo, n'oyagala Allah olwagala olugattiddwamu ekitiibwakye n'okumugulumiza n'okumutya n'okusubira okuva gyali, era n'oyagala oyo gw'ayagala Allah n'ebifo by'ayagala Allah nga Makka ne Madinah, n'emizikiti gyonna okutwaliza awamu, era n'oyagala ebiseera by'ayagala Allah ng'omwezi gwa Ramadhan n'ennaku ekkumi eza dhul- Hijjah n'endala, era n'oyagala ebika by'abantu ab'enjawulo Allah b'ayagala, gamba nga bannabbi n'ababaka nebamatayika n'aboogezi b'amazima n'abafiira mu ntalo z'eddiini n'abalongoofu

era n'oyagala ebikolwa ebirungi ng'esswala ne zakah n'okusiba n'okukola Hijja, era n'oyagala n'ebigambo Allah by'ayagala nga okusoma Qur'an, okujjukira Allah n'ebirala bingi.

Era kiri mu kwagala Allah okukulembeza ebyo Allah by'ayagala kw'ebyo omutimagwo byegwagala n'ebikuwa essanyu n'ebyo byeguwankirawankira, era mulimu okutamwa ebyo Allah by'atamwa nga okutamwa obukaafiiri, obwonoonefu, n'obujeemu.

"Agamba Allah mu Surat Maida aya 54,

قال الله تعالى: ﴿يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا مَنْ يَرْتَدَّ مِنْكُمْ عَنْ دِينِهِ فَسَوْفَ يَأْتِيَ اللَّهُ بِقَوْمٍ يُحِبُّهُمْ وَيُحِبُّونَهُ أَذْلَلَةٌ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ أَعَزَّةٌ عَلَى الْكَافِرِينَ يُجَاهِدُونَ فِي سَبِيلِ اللهِ وَلَا يَخَافُونَ لَوْمَةَ لَا إِيمَانٍ﴾ [المائدة: ٥٤].

"Abange mmwe abakkiriza omuntu yenna mu mmwe an'akyuka n'ava ku ddiini ye, Allah kyaddaaki ajja kuleeta abantu abalala nga abaagala nnyo ate nga nabo bamwagala nnyo nga bakkakkamu eri abakkiriza ate nga baabitibwa, bakambwe eri abatakkiriza nga balwana mukkubo lya Allah era nga tebatya kulwa Allah munenyi yenna anenya".

## **AMAKULU G'OKUKKIRIZA NTI MUHAMMADI (SAW) MUBAKA WA ALLAH**

Amakulu g'okukkiriza nti mazima nabbi muhammadi (saw) mubaka wa Allah. Amakulu gakyo kwekukakasa ku ngulu ne munda nti mazima yye Nabbi (saw) muddu wa Allah era mubakawe eyatumwa eri abantu bona. era n'okukolera kw'ebyo ekigambo ekyo byekitegeeza mu kumugondela mw'ebyo byeyalagira, n'okwewala ebyo byeyaziyya wamu n'okubeera nga tasinzibwa Allah okujako nga asinzibwa okusinziira ku njigilizaye (saw), nga gyetugobeledde.

Era n'okukkiriza n'okukakasa nti Muhammad mubaka wa Allah, kiyina empagi bbili. nga nazo "mudduve era mubakawe". Empagi zino zижjawo era nezigaanila ddala okusukka eki pimo ku nabbi saw mukumugulumiza, nemukumukkakkanya okumujja mukifookye Allah mweyamussa. Kuba muddu wa Allah era mubakawe era nga kino kilaga obujuvu bw' okubeera nti mutonde mubitonde. So nga okusinziira kubitendo bino ebibili eby'ekitiibwa n'amakulu g'ekigambo nti muddu. Wano kitegeeza nti afugibwa era omusinza wa Allah. amakulu nti mazima yye muntu omutonde okuva mwekyo ekyatondwamu abantu era ayita mumbeera

z'obuntu zonna abantu zebayitamu, nga bwagamba Allah mu surat kahf Aya ;110 agamba nti bagambe nti mazima nze ndi muntu nga mwe, Era nagamba mu sura yeemu Aya 1 nti; amatendo gonna amajjuvu era amalungi ga Allah Oyo eyassa ku mudduwe ekitabo kurani n'atakissamu bukyamu bwonna amakulu nsobi yonna. Namakulu g'omubaka kitegeeza nti yeyatumwa eri abantu bona abakowoole okudda eri Allah nga musanyusa era nga mutiisa.

Era nemukumukakasa mukumukkiriza kubitendo bino ebibiri kuba kujjirawo ddala na kugaanira ddala okusukka ekkomo mu kumusitula nabbi (saw) ne mu kumukakkanya, n'atuuka n'okujjibwako eddembe lye oba najjibwa mu kifookye Allah mweyamussa kuba bangi mu bantu mw'abo abeeyita nti ba mu kibiinakye (saw). B'amujjako eddembe lye nebasussa ekkomo, okutuusa lwebaamusitula nebamujja mu ddaalalye ery'obuddu nebamussa mu ddaala ly'okusinzibwa mukifo Kya Allah, era nebamuanjangila nebamusaba ebyo omutonde byatasobola okujjako Allah, nebamusaba n'okumala ebyetaago n'okubajjirawo ebizibu. Ate abalala baawakanya obubaka bwe, abalala baasukka ekkomo mu kumugobelera nebakumpanya eddembe lye (saw) eryetteeka

okumuweebwa nebakulembeza ebigambo by'abantu abalala ku bigambobye (saw), nebanyooma sunnaze nebazeesamba era nebeesigamira ebigambo byabo abaayawukana kwebyo byeyajja nabyo.

## OBUKKIRIZA N'EMPAGI ZAABWO

الإيمان وأركانه

### *Obukkiriza:*

Kigambo, bikolwa, na nzikiriza ya mutima.

Bweyongera na kutya Allah ate nebukendeera na mazambi na kumujeemera. Era obukkiriza kigambo kya mutima na lulimi (byombiriri) era bikolwa bya mutima na lulimi n'ebiyungo byako.

Okubeera ekigambo ky'omutima; kiri ku kukkiriza kw'omuntu n'okukakasa kwagwo.

Ate nekiba kigambo kya lulimi kulw'okwogera n'okwatula kwalwo.

Ate negubeera mulimu gwa mutima; mu kwewaayo kwagwo n'okukola kwagwo kulw'okusanyusa Allah, N'okwagala kwagwo emirimo emirongoofu.

Ate negibeera mirimo gy'ebiyungo; mu kukola eby'alagirwa n'okuleka eby'aziyizibwa.

Era ekitabo kya Allah Qur'an ky'alaga wamu ne Sunna z'Omubaka (SAW) nti obukkiriza buno bulina omusingi nga nagwo: kwekukkiriza Katonda ne ba malayikabe, n'ebitabobye, n'ababakabe, n'olunaku lw'enkomerero n'okukkiriza okugerakwe ekirungi n'ekibi nga bw'agamba Allah mu Surat Baqara aya 285.

قال تعالى: ﴿آمَنَ الرَّسُولُ بِمَا أُنزِلَ إِلَيْهِ مِنْ رَبِّهِ وَالْمُؤْمِنُونَ كُلُّ آمَنَ بِاللَّهِ وَمَلَائِكَتِهِ وَكُتُبِهِ وَرُسُلِهِ لَا نُفَرِّقُ بَيْنَ أَحَدٍ مِنْ رُسُلِهِ وَقَالُوا سَمِعْنَا وَأَطَعْنَا فُغْرَانَكَ رَبَّنَا وَإِلَيْكَ الْمَصِيرُ﴾ [البقرة: ٢٨٥].

*"Yakkirizza omubaka ebyo byonna ebyassibwa gyali okuva eri omuleziwe, (Allah) wamu n'abakkiriza, bona wamu bakkirizza Allah, ne bamalayikabe n'ebitabobye n'babakabe era tetwawula wakati w'omu yenna mu babakabe (Allah) nebagamba nti tuwulidde netugonda, tusabye ekisonyiwo kyo Katonda mukama waffe era gyoli y'eri obuddo".*

Era nga bwekyajja mu Hadith ya Umar Bunil-Khatwab eyawandiikwa Imaam Musilim egamba nti;

كما جاء في صحيح مسلم من حديث عمر بن الخطاب رضي الله عنه: (أنَّ جبريل - عليه السلام - سأله النبي صلوات الله عليه وسلم. عن الإيمان، فقال له: «الإيمان أن تؤمن بالله، وملائكته، وكتبه، ورسله، واليوم الآخر، وتؤمن بالقدر

خيره وشره») [رواه مسلم: ٤٨].

*"Jiburiilu (alayhi Salaam) yabuuza Nabbi (SAW) ku bukkiriza kyekki? N'amugamba nti kwekukkiriza Katonda ne bamalayikabe nebitabo bye,*

*n'ababakabe, n'okukkiriza olunaku lw'enkomerero n'okukkiriza okugera kwa Allah nti ekirungi n'ekibi byonna biva gy'ali".*

Bino ebintu omukaaga bye bikolo by'enzikiriza entuufu eyo Allah gyeyassa mu kitabokye ekyekitiibwa era n'atumilako Omubaka Muhammadi (SAW) era biyitibwa empagi z'obukkiriza.

### **N'empagi z'obukkiriza zino:**

#### **1) Okukkiriza Allah:**

Nga nakwo kweukkiriza obw'omubwe, mubulezibwe nemukusinzibwakwe, nemumannyage n'ebitendobye.

Era mu biyingira mu kukkiriza Allah;

1. Kwe kukkiriza nti ye yekka agwana okusinzibwa awatali kusinza mulala yenna atali yye, kuba yeyatonda abaddu era y'alongoosa gyebali, era nga y'abagabirira, era amanyi ebyama byabwe n'ebyo byeboolesa, era ddala y'alina obusobozi obusasula oyo abeera alongosezza mubo namuwa ebirungi ate era n'oyo abeera ayonoonye n'amubonereza.

Obwennyini bw'ekyo n'obukakafu bwakyo, kwe kwawulwa Allah kwebyo byonna byetulina

okumusinzizaako mu bika bya Ibaada ezenjawulo wakati mu kumukkakkanira ate n'okusubira empeera okuva gy'ali awamu n'okutya ebibonerezobye nga tubikolera wakati mu bujjuvu bw'okumwagala n'okwewombeeka olw'obugulumivubwe.

Era nebiseera ebisinga Qur'an yakkira ku kikolo ekkyo ekinene, nga bwagamba Allah mu Surat Zumara aya 3.

قال تعالى: ﴿فَاعْبُدِ اللَّهَ مُخْلِصًا لَهُ الدِّينَ أَلَا إِنَّ اللَّهَ الْحَمْدُ لِلَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ﴾ [الزمر:٢-٣]

"Musinze Allah nga mumwawulira eddiini era abaffe mumanye nti yaa Allah eddiini eyeyawulidde kuye". Era agamba Allah mu Surat Isirae aya 23;

وقوله: ﴿وَقَضَى رَبُّكَ أَلَا تَعْبُدُوا إِلَّا إِيَّاهُ﴾ [الاسراء:٢٣]

"Era yasalawo n'agera ate n'alagira Katonda okubeera nga temusinza okujjako ye yekka".

Era n'agamba Allah mu Surat Gaafir aya 14 nti;

قوله تعالى: ﴿فَادْعُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ﴾ [غافر:١٤]

"Musabe Katonda nga mumw'awulira eddiini newankubadde nga abawakanyi bakitamwa".

Ne Ibaada zirina ebika bingi nnyo nga nemuzo mwemuli okusaba, n'okutya, n'okusuubira, n'okwesigamira, n'okwagala n'okweyunira gyali Allah, n'okugonda, n'okudda gyali, n'okuwanjaga n'okwewogoma, n'okweyama n'endala ezitali ezo mubika bya Ibaada ezo ezitateekwa kuwugulwa nezikolerwa omulala atali Allah kuba okuwugula emu kuzo n'ogikolera atali Allah, oyo abeera Shiriki nabuwakanyi.

N'obujulizi ku Ibaada **y'okusaba** kyekigambi kya Allah mu Surat Ghaafiru aya 60 agamba;

قوله تعالى: ﴿ وَقَالَ رَبُّكُمْ ادْعُونِي أَسْتَجِبْ لَكُمْ إِنَّ الَّذِينَ يَسْتَكْرِهُونَ

عَنْ عِبَادَتِي سَيَدُّخُلُونَ جَهَنَّمَ دَاخِرِينَ ﴾ [غافر: ٦٠]

"N'agamba Allah omulezi wammwe nti munsabe nja kubaanukula, mazima abo abeekuluntaliza ku Ibaada yange (ey'okusaba) ngenda kubayingiza omuliro Jahannama nga banyomoofu".

Era n'agamba omubaka mu Hadith eyawandiikibwa Tirimidhi eyayogerwa Nu-uman Bun Bashiri nga ajijja ku Nabbi (SAW) nti yagamba:

وفي الحديث ما رواه النعمان بن بشير رضي الله عنه، عن النبي صلوات الله عليه. آنه قال:  
 ((الدُّعَاءُ هُوَ الْعِبَادَةُ)) [رواہ الترمذی: ۲۹۶۹].

"*okusaba ye Ibaada ddala(ey'okuntikko)*.

Era n'obujulizi **kukutya**; agamba Allah mu Surat Aal- Imuran aya 175 nti;

قال تعالى: ﴿فَلَا تَخَافُوهُمْ وَخَافُونِ إِنْ كُتُمْ مُؤْمِنِينَ﴾ [آل عمران: ۱۷۵].

"*Temubatya (abo abashiriku) wabula mutye nze Katonda wammwe bwemuba ddala muli bakkiriza abanamaddala*".

Era n'obujulizi **kukusuubira** okuva gyali Allah; agamba mu Surat Kahaf aya 110 nti;

قال تعالى: ﴿فَمَنْ كَانَ يَرْجُو لِقاءَ رَبِّهِ فَلْيَعْمَلْ عَمَالًا صَالِحًا وَلَا يُشْرِكْ

بِعِبَادَةِ رَبِّهِ أَحَدًا﴾ [الكهف: ۱۱۰].

"*Oyo yenna asuubira (era ayagala) okusisinkana omuleziwe, akole emirimo nga mirungi tekamutanda n'agatta mu Ibaada y'omuleziwe ekintu ekirala kyonna*".

N'obujulizi **kukw'esigamira Allah**, agamba Allah mu Surat Maaida Aya 23 nti;

قال تعالى: ﴿ وَعَلَى اللَّهِ فَتَوَكَّلُوا إِنْ كُنْتُمْ مُّؤْمِنِينَ ﴾ [المائدة: ٢٣]

"N'eri Allah gyemuba mw'esigamira bwemuba ddala nga muli bakkiriza".

Era n'agamba mu Surat Twalaaqu aya 30;

وقوله: ﴿ وَمَنْ يَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَهُوَ حَسِيبٌ ﴾ [الطلاق: ٣].

"N'oyo ey'esigamira eri Allah mazima yye Allah amumalira (ensongaze)".

N'obujulizi **kuukusuubira empeera n'okutya ebibonerezo**, Agamba Allah mu Surat Anibiya aya 90 nti;

قال تعالى: ﴿ إِنَّهُمْ كَانُوا يُسَارِعُونَ فِي الْخَيْرَاتِ وَيَدْعُونَا

رَغْبًا وَرَهْبًا وَكَانُوا لَنَا خَاسِعِينَ ﴾ [الأنبياء: ٩٠].

"Mazima bbo b'aalinga banguyiriza nga baddukira eri ebikolwa ebirungi era nga batusaba nga basuubira (empeera) era nga batya (ebibonerezo) era ddala baalinga bagonvu nyoo Jetuli".

N'obujulizi **ku kutya**, agamba Allah mu Surat Baqara aya 150;

قوله تعالى: ﴿فَلَا تَخْشُوْهُمْ وَأَخْشَوْنِي﴾ [البقرة: ١٥٠].

"Temubatya wabula mutye nze nzekka".

Era n'obujulizi **kukw'eyunira gyali** Allah agamba mu Surat Zumara Aya 54:

قوله تعالى: ﴿وَأَنِيبُوا إِلَى رَبِّكُمْ وَأَسْلِمُوا إِلَهُ﴾ [آل عمران: ٥٤].

"Mweyunire eri Allah era mumujemulukukire".

N'obujulizi **kukusaba obuyambi**, agamba Allah mu Surat Alfaatiha aya 5:

قوله تعالى: ﴿إِيَّاكَ نَعْبُدُ وَإِيَّاكَ نَسْتَعِينُ﴾ [الفاتحة: ٥]

"Mazima gwe wekka gwe tusinza era gwe wekka gwe tusaba obuyambi".

Era Omubaka (SAW) mu Hadith eyawandiikibwa Tirmidhi:

وقوله ﷺ: (إِذَا اسْتَعَنْتَ فَاسْتَعِنْ بِاللَّهِ) [رواية الترمذى: ٢٥١٦]

"Era bw'obanga osaba obuyambi bwonna busabe Allah".

N'obujulizi **kukw'ewogoma**, agamba Allah mu Surat Nasi aya 1 nti:

قوله تعالى: ﴿قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ النَّاسِ﴾ [النَّاس: ١]

"Gamba gwe Nabbi Muhammad nti n'ewogoma eri omulezi w'abantu".

Era n'obujulizi **kukuwanjaga**, agamba Allah mu Surat Anifaal aya 9 nti:

قوله تعالى: ﴿إِذْ تَسْتَغْيِثُونَ رَبَّكُمْ فَاسْتَجَابَ لَكُمْ﴾ [الأنفال: ٩].

"mujjukire ekiseera wemw'awanjagira omulezi wamwe era n'abaanukula".

N'obujulizi **kukusala**, agamba Allah mu Surat Ani\_am aya 163:

قوله تعالى: ﴿قُلْ إِنَّ صَلَاتِي وَنُسُكِي وَمَحْيَايَ وَمَمَاتِي لِرَبِّ الْعَالَمِينَ لَا شَرِيكَ لَهُ وَبِذَلِكَ أُمِرْتُ وَأَنَا أَوَّلُ الْمُسْلِمِينَ﴾ [الأنعام: ١٦٣].

"Bagambe nti; mazima esswala yange, n'okusala kwange ebisolo, obulamu bwange n'okufa kwange byonna mbikola kulwa Allah era bya Allah omulezi webitonde byonna, talina kimwegattako, nabwentyo bwennalagirwa era nze asooka okujeemulukuka (okusiramuka kubyo)". So ate nemu Sunna agamba omubaka (SAW) mu Hadith eyawandiikwa Imaam Muslim agamba nti:

قوله ﷺ: ((لَعْنَ اللَّهِ مَنْ ذَبَحَ لِغَيْرِ اللَّهِ)) [رواہ مسلم: ١٩٧٨].

"...Allah yakolimira oyo asala nga asalira kintu kirala, amakulu nga tasala kulwa Allah...", N'obujulizi ku **kweyama** agamba Allah mu Surat Inisaanu aya 7 nti:

قوله تعالى: ﴿يُوفُونَ بِالنَّذْرِ وَيَخَافُونَ يَوْمًا كَانَ شَرُّهُ مُسْتَطِيرًا﴾

[الإنسان: ٧]

"Batuukiriza Nadhri (*okweyama kwabwe*) era nga batya nnyo olunaku olugenda okubeeramu obuzibu nga bubunye wonna".

Kyokka nno ate n'ebintu ebya bulijjo singa omuntu abikola nga agendereddemu kutya Allah oba kugondera Allah, gamba nga okwebaka, okulya, n'okunywa, n'okunoonya ebyenfuna, n'okuwasa n'ebirala mu bintu ebikolebwa nga byabulijjo, singa ebintu bino obikola nenniya ennungi bifuuka Ibaada (kusinza) omusiraamu mw'afuna empeera.

2. Era kiri mu kukkiriza Allah omuntu okukkiriza byonna Allah byeyalaalika kubaddube n'abifuula byatteeka gyebali nga empagi z'obusiraamu ettaano ezeeyolese, nga nazo zeezino wammanga:

- Okukasa nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah. Era n'okakasa nti Nabbi Muhammad mubaka wa Allah.
  - Okuyimirizaawo esswala ettaano buli lunaku.
  - Okutoola zakah mu maaliyo.
  - Okusiiba omwezi gwa Ramadhan.
  - Okugenda okulambula ennyumba ya Allah ey, emizizo eri oyo alina obusobozi obumutuusaayo.  
okwo yongerako n'ebirala mubyetteeka shariya yaffe ennungi byeyatuleetera.
3. Era kiri mukukkiriza Allah, okukkiriza nti Allah yemutonzi w'ensi era agitambuza mu byonna ebijikwatako era eyeetaayiza muntambuza yaayo kulw'okumanyakwe n'obusobozibwe nga bw'aba ayagadde, era n'okukkiriza nti ye kabaka wensi n'enkomerero era omulezi webitonde byonna, tewali mutonzi mulala atali yye, era n'okukkiriza nti yatuma ababaka nassa n'ebitabo kulwakulongooka kwabaddube, nakubakoowoola eri ekyo ekinaabaletaera okuwona n'okulongoosa obulamu bwabwe buno (obwensi) n'obwenkomerero, era n'okukkiriza nti mazima ye Allah mukukola ebyo talina

amwegattako yadde okwetaaga obuyambi okuva eri ekintu ekirala kyonna. Nga bw'agamba Allah mu Surat Zumar aya 62 nti:

قال تعالى: ﴿اللَّهُ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكِيلٌ﴾ [الزمر: ٦٢]

*"Allah yemutonzi wa buli kintu, nate era yemukuumi wabuli kimu"*

4. Era kiri mu kukkiriza Allah, okukkiriza amannyage amalungi nebitendobye ebyawaggulu ebyo ebyajja mu Qur'an ey'ekitiibwa n'ebikakafu okuva ku nabbiwe owamazima era omwesigwa awatali kubikyusa wadde okubisambajja oba okugerageranya engeri gyebikolamu wadde okubifananya eby'ebitonde. Era n'okukkiriza amakulu gaabyo amasuffu kubanga mazima go gava mu bitendo bya Allah ebisukkulumu ebikakata okuba nti by'atendebwa nabyo ye yekka mu bw'omubwe mu ngeri etalina kitonde mu bitonde bye kugyegattamu. Nga bwagamba Allah mu Surat Shura aya 11 nti:

قال تعالى: ﴿لَيْسَ كَمِثْلِهِ شَيْءٌ وَهُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ﴾ [الشورى: ١١].

*"Talina kintu kyonna kimufaanana era yye awulira buli kintu era alaba buli kimu".*

## 2) Okukkiriza Bamalayika:

Epajiy'obukkiriza ey'okubiri kwe kukkiriza malaika z'Allah, era kigatta okubakkiriza mu bulambalamba (bonna wamu) n'okuttottola omu kw'omu.

Nga ekiyitibwa okubakkiriza mu bulambalamba kw'ekukiriza nti mazima Katonda alina bamalayika yabatonda nabalaalikako okumugondera, era balimu engeri nnyingi, okugeza; mubo mulimu abawaniridde Arushi ye (Namulondo), era mubo mwemuli abakuma ejjana n'omuliro, nemubaamu abawandiika emirimo gy'abaddu. (emirungi n'emibi).

Ate okukkiriza okw'okubattottola; kw'ekukiriza nti waliwo Allah beyatunnyonyola era balina amannya ago geyabayita wamu n'omubakawe Muhammad (SAW), nga muggo mwemuli; Jiburiil, Mika-eel ne Malik omukuumi w'omuliro ne Israafeel eyaweebwa ogw'okufuuwa enjombe. Ne ba malayika bano, Allah yabatonda nga abajja mu kitangaala, nga bwekyakakata okuva ku Aisha mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim nti:

عن عائشة رضي الله عنها. أَنَّ النَّبِيَّ - صلوات الله عليه وآله وسلامه - قَالَ: «خُلِقَتِ الْمَلَائِكَةُ مِنْ نُورٍ، وَخُلِقَتِ الْجَنَّةُ مِنْ نَارٍ، وَخُلِقَ آدَمُ مَا وُصِّفَ لَكُمْ» [رواية مسلم: ٢٩٩٦].

Agamba Aisha nti: "*Mazima Nabbi (SAW) yagamba nti, bamalayika baatondebwa nga bava mu kitangaala, amajinni negatondebwa mu nnimi z'omuliro, Adamu ate yye n'atondebwa muky'abagambibwa (amakulu: muttaka)*".

### **3) Okukkiriza ebitabo:**

Kyatteeka okukkiriza mubulambalamba nti mazima Katonda yassa ebitabo ku ba nnabbi be wamu ne ku babakabe, babeere nga bannyonyola ebikakata ku baddu okumukolera, n'okubakowoola eri okubituukiriza.

Era netukkiriza mungeri ennambulukufu nti mu bitabo ebyo mulimu ebyatutegeeezebwako gamba nga Tawurat, Injil ne Zabuur ne Qur'an, so nga Qur'an kye kitabo eky'enkomerero era ekibigatta byonna era ekikakasa ebituufu ebibirimu, era nga kyekyetteeka eri abantu bona okugobererwa n'okukilamuza nga kw'otadde ne sunna enkakafu entuufu okuva ku nabbi (SAW), kubanga Allah yatuma nabbi Muhammad (SAW) nga mubaka eri ebizito ebibirini (amajini n'abantu) natussiza Qur'an etulamule wakati waffe era n'agifuula nga ddagala eriwonya endwadde eziri mubifuba byaffe era nga

kitabo ekinnyonyola buli nsonga era nga kijjudde obuluŋŋamu n'okusaasira eri ebitonde. Nga bw'agamba Allah mu Surat Ani\_am aya 155 nti:

قال تعالى: ﴿وَهَذَا كِتَابٌ أَنزَلْنَاهُ مُبَارَكٌ فَاتَّبِعُوهُ وَاتَّقُوا لَعَلَّكُمْ<sup>تُرْحَمُونَ</sup>﴾ [الأنعام: ١٥٥]

"Nakino ekitabo (Qur'an) nakissa nga ky'amukisa kale no mukigoberere era mutye Allah olwonno mufune okusaasirwa".

Era agamba Allah mu Surat Nahali aya 89 nti:

وقال سبحانه: ﴿وَنَزَّلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ تِبْيَانًا لِكُلِّ شَيْءٍ وَهُدًىٰ وَرَحْمَةً وَبُشْرَى لِلْمُسْلِمِينَ﴾ [النحل: ٨٩]

"Era tw'aakussaako ekitabo (Quran) (gwe Muhammad) nga kinnyonnyola ku buli nsonga era nga kijjudde obuluŋŋamu n'okusaasira n'okusanyusa eri abasiraamu abakkiriza".

#### **4) Okukkiriza ababaka:**

Era kikakata kumukkiriza yenna okukkiriza ababaka mubulambalamba ne mu bulambulukufu. Netukkiriza nti Allah yatuma ababakabe eri abaddube nga basanyusa ate era nga batissa era nga bakoowooze bakoowoola abantu okudda eri

amazima. Nga Allah bw'agamba mu Surat Nahal aya 36 nti:

قال تعالى: ﴿ وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَسُولًا أَنَّ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنَبُوا الطَّاغُوتَ ... ﴾ [النحل: ٣٦]

"Mazima twatuma mu buli mulembe omubaka akoowoole abantu basinze Allah yekka era beewale okusinza shayitwan".

Era oyo yenna eyabaanukula nabakkiriza yafuna okwesiima nemirembe n'oyo eyabawakanya n'atabagoberera yayingira mu kunyolwa n'okwejjusa.

Era tulina okukkiriza nti okukoowoola kw'ababaka bona kwali kumu, bona b'akoowoolanga kudda eri kwawula Allah nga gwebasinza yekka, okujjako baayawukana mu mateeka gaabwe nakulamula kwabwe, era tukkiriza nti Allah yasukkulumya abamu ku bannaabwe, era nti abasinga obulungi eri Allah era ow'enkomerero mubo ye Nabbi waffe Muhammadi (SAW) nga bwagamba Allah mu Surat Isra-el Aya 55 nti:

قال الله سبحانه: ﴿ وَلَقَدْ فَضَلْنَا بَعْضَ النَّبِيِّينَ عَلَىٰ بَعْضٍ ﴾ [الاسراء: ٥٥]

"Mazima twasukkulumya bannabbi abamu kubannaabwe".

Era Allah n'agamba mu Surat Ahzabu aya 40:

وقال سبحانه: ﴿مَا كَانَ مُحَمَّدٌ أَبَا أَحَدٍ مِّنْ رِجَالِكُمْ وَلَكِنْ رَسُولَ اللَّهِ وَخَاتَمَ النَّبِيِّينَ﴾ [الأحزاب: 40].

"Tabeerangako Muhammad taata w'omu mu basajja bammwe naye ye mubaka wa Katonda (Allah) era ye w'enkomerero mu bannabbi".

Ate bannabbi Allah beyatutegeeza amanya gaabwe mubo oba nekikakasibwa okuva ku nnabbi nga atubuulira amannya gabwe mubulambulukufu, tubakkiriza buli omu ngayye bw'aba atutegeezeddwa' gamba nga Nuhu, Huudu, Swaleh, Ibrahim n'abalala, kudde gyebali n'eri nabbi waffe okusaasira kwa Allah n'emirembe emijjuvu.

### **5) OKukkiriza olunaku Iw'enkomerero:**

Mu kukkiriza olunaku Iw'enkomerero muyingiramu okukkiriza buli kyonna Allah kyeyatubuulira oba omubaka Muhammadi (SAW) kyeyatubuulira mw'ebyo ebinaabaawo oluvanyuma Iw'okufa, gamba nga ebigezo by'omuntaana nebbonerezo byamwo, n'ebiyengera byamwo, nebyo ebigenda

okubaawo ku lunaku lw'okuyimirira olwa *kiyaama* n'ebizibu ebigena okulubaamu, Ne *Siraatwa*, neminzaane n'okusasulwa, n'okugaba (file) ebitabo eri buli muntu, nenjawulo mu mbeera z'abantu nga mubo mulimu abaliweebwa ebitabo byabwe n'omukono ogwaddyo, ate mubeemu abaliweebwa ebitabo byabwe n'omukono ogwa kkono nga babiyisa emabega w'emigongo gyabwe.

Era muno muyingiramu okukkiriza oluzzi lweyatugamba nga lw'amuwebwa nabbi waffe Muhammadi (SAW), era nga bweyagamba nti buli nabbi ajja kuba n'oluzzi.

Era muyingiramu okukkiriza nti ejjana n'omuliro n'okulaba kwa bakkiriza omulezi waabwe, n'okwogera naye nebirala ebitali ebyo mw'ebyo ebyajja mu Qur'an ne mu Sunna za nabbi (SAW) byonna bya mazima, era nekiba kyatteeka okubikkiriza n'okubikakasa mu ngeri eyo Allah gyeyabitutegezaamu wamu n'omubaka Muhammadi (SAW).

## **6) Okukkiriza okusalawo kwa Allah n'okugerakwe:**

Okusalawo kwa Allah kuno n'okugerekakwe kuzingiramu ebintu bina, by'ebino wammanga;

- i. Kwekukkiriza nti mazima Allah yamanya kyonna ekyaliwo n'ekiribeerawo era n'amanya embeera yabaddube gyebanabeeramu era n'amanya neriziki yabwe n'entuuko zaabwe n'emirimo gyabwe gyebalikola, nebirala ebitali ebyo mumbeera zabwe tewali kintu kyonna kimwekwese. Nga bw'agamba mu Surat Tawuba aya 115 nti:

قال سبحانه: ﴿إِنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ﴾ [الغوبية: ١١٥].

*"Mazima Katonda ku buli kintu kyonna mumanyi".*

- ii. Okuwandiikakwe: Ebyo byonna byeyagera nti bijja kubeerawo era nga asazeewo kubyo, agamba mu Surat Yaasini aya 12 nti:

قال سبحانه: ﴿وَكُلَّ شَيْءٍ أَحْصَيْنَاهُ فِي إِمَامٍ مُّبِينٍ﴾ [بس: ١٢].

*"Buli kintu twakikomekkereza nakukiwandiika mu kitabo kyaffe ekinyonyofu".*

- iii. Okukkiriza nti kyonna kyeayagala oba kyayagala ky'ekyabeera era kyekiba, nolwekyo ky'ayagala kibeera ky'atayagadde tekisobola kubeera mubwakabakabwe nga bwagamba mu Suratu Imran aya 4:

قال سبحانه: ﴿كَذَلِكَ اللَّهُ يَفْعُلُ مَا يَشَاءُ﴾ [آل عمران: ٤٠].

"Nabwekityo akola Allah ekyo kyonna kyaba ayagadde".

IV. Kwekutondakwe Allah byonna ebiri mu kugerakwe kuno nga tebinagwawo. Amakulu nti byonna byeyagera ebyaliwo nebiribaawo Allah yabitonda dda nga bwagamba Allah mu Surat Swaffati aya 96 nti:

قال سبحانه: ﴿وَاللَّهُ خَلَقَكُمْ وَمَا تَعْمَلُونَ﴾ [الصافات: ٩٦].

"Mazima Allah yabatonda nebyo byonna byemukola".

## SHIRIKI N'EMITEEKOGYE

### الشريك وأنواعه

*Shiriki* - yemuddu okuteeka ku Allah ekisinzbwa ekirala mubulezibwe, nemukumusinza, nemumanyage n'ebitendobye.

**Shiriki alina emiteeko ebiri;**  
Shiriki omunene ne Shiriki omutono.

#### **Ogusooka: Shiriki omunene:**

Shiriki omunene kwe kukyusa ekintu kyonna ekimanyiddwa nti Ibaada (kirimu kusinza Allah) n'okikolera omulala yenna atali Allah. Era omuntu abeera akoze Shiriki abeera wakuyingira mu muliro nga w'akugubeeremu emirembe n'emirembe singaafa nga teyeenenyezza, era Shiriki oyo ayonoona emirimo gy'omuntu gy'aba akoze. Nga bw'agamba Allah mu Surat Ani-am aya 88.

قال تعالى: ﴿ وَلَوْ أَشْرَكُوا لَحِيطَ عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴾ [الأنعام: ٨٨]

"Singa kaabatanda nebangattako ekintu ekirala nandisazizzaamu ebyo byonna byebaali baakola". Era Shiriki omunene Allah tamusonyiwa muntu

amuguddemu okujjako nga yeenenyezza olwenenya olwannamaddala olwa sikuaddira. Allah agamba mu Surat Nisa aya 48:

قال تعالى: ﴿إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرِكَ بِهِ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَنْ يَشَاءُ وَمَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدِ افْتَرَى إِلَهًا عَظِيمًا﴾ [النساء: ٤٨].

*"Mazima Katonda tagenda kusonyiwa muntu yenna amugasseeko kintu kirala (n'afa nga teyeenenyezza) wakiri alisonyiwa ezzambi eddala lyonna eri oyo gw'aliba ayagadde mazima omuntu agatta ku Katonda ekintu ekirala abera omukonjedde nga akoze ezambi eddene ennyo".*

Ne mumiteeko gyariki ono omunene kwekusaba atali Allah oba (okweyama) okwetema Nadhiri oba okusala nga osalira atali Allah, oba okuteekawo Katonda omulala nga omwagala nga bw'oyagala Allah.

Agamba Allah mu Surat Baqara aya 165 nti:

قال تعالى: ﴿وَمَنِ النَّاسِ مَنْ يَتَّخِذُ مِنْ دُونِ اللَّهِ أَنْدَادًا يُجْبِيُهُمْ كَحْبٌ﴾ [البقرة: ١٦٥].

*"Ne mu bantu mulimu ab'eteerawo bakatonda abalala nebabasinza nga babaagala nnyo nga*

*bwebaagala Katonda (oba nga abakkiriza  
bwebaagala Katonda)"*

### **N'ogwokubiri: Shiriki omutono:**

Ne Shiriki ono omutono kyekyo kyonna eky'ayitibwa mu (Qur'an) ne Sunna (Hadith) za nnabbi nti shiriki omutono, era guno omuteeko gwo tegujja nyinigwo mubusiraamu naye nga gukendeeza Tawuhiiidi w'omuntu.

Nga ne shiriki ono abeera mubino;

Okukola omulimo olwakabandabe, bampaane, oba bampulire.

Oba mu njogera, nga bw'oyinza okugamba nti Allah bw'anaaba ayagadde naawe n'oyagala, oba singa tabadde Katonda naawe, era n'okulayira atali Allah, ewatali kuba nanzikiriza mu mutimagwo egamba nti oyo gw'olayidde asobola okutuusaako akabi oba okugasa ewatali Allah kuba bw'oba yevo enzikiriza gy'olina ate olwo abeera shiriki omunene.

Era abeera shiriki omutono omuntu okugamba nti:  
Bw'anaaba ayagadde Katonda ne gundi naye nayagala, kale nebirala ebifaanana bityo, agamba omubaka (SAW) mu Hadiith eyawandiikibwa Imaam Ahumad nti:

لقول النبي ﷺ: ((أَخْوَفُ مَا أَخَافُ عَلَيْكُمُ الشَّرُكُ الْأَصْغَرُ)), فُسْئِلَ عَنْهُ،  
فَقَالَ: «الرِّيَاءُ» [رواه أبو حمزة الصيادي وابن عاصم وابن عباس وابن عثيمين وابن حميد]

*"Ekintu ky'ensinga okubatiisa mubyembaatiisa ye Shiriki omutono, nebamabuuza nti y'aliwa? nagamba nti Riya"* (Riya: ye kabandabe bampaane, oba bampulire bampaane)

Era n'agamba (SAW) mu Hadith eyawandiikibwa Abu Dawuda:

وقوله ﷺ: ((منْ حَلَفَ بِغَيْرِ اللَّهِ فَقَدْ أَشْرَكَ)) [رواه أبو داود: ٢٨٢٩].

*"Omuntu alayira ekitali Allah abeera akoze Shiriki".*

Era ne mu mirimo egiyingira mu muteeko guno by'ebikolwa nga okusiba yirizi, okwambala ebikomo oba okwesiba ewuzi nti bino bitangira ebizibu nga endwadde n'ebirala ate singa omuntu abeera nenzikiriza egamba nti bigasa kukujjawo obulwadde nebizibu oba okuleeta obulungi gyali nga byo byennyini bye bikikola so si nti Katonda abiysisizaako nga banna shiriki era bwebalowooza ate olwo oyo abeera shiriki omunene.

## **Obulambalamba bwenzikiriza y'ekibinja eky'okuwona.**

**مجمل اعتقاد الفرقة الناجية**

Obutuufu bw'enzikiriza y'ekibinja eky'okuwona mu bibinja ensanvu mw'ebisatu Nabbi (S.A.W) bye yatugamba nga enzikiriza eno ey'ekibinja eky'okuwona yenzikiriza era emanyiddwa nga enzikiriza yaba AHAL SUNNA WALI JAMA-A. y'enzikiriza ekakasa nti omukkiriza owanamaddala alina okukakasa nti mazima Katonda yemulezi era omusinzibwa era eyeyawulidde ku buli bujjuvu, era namusinza mubwomu nga amw'awulira eddiini era nakimanya nti mazima Allah ye mutandisi wa buli kintu omuteesiteesi era omugabirizi era yaawa era yamma, omutambuza w'ebintu byonna munsi ne muggulu era nakkiriza nti Allah oyo yekka yasinzibwa mu mazima nti era yeyasookawo teri lubeleberye lwe kintu kyonna, era yo'wenkomerero talina luvanyumalwe kintu kyonna, era y'ali wagguli talina wagguluwe kintu kyonna, era eyeekwese talina wansiwi kintu kyonna. Era n'amukkiriza nti yaali waggulu eyetaaya mu buli makulu gakwetaaya

n'okubeera waggulu nga atumbidde olutumbiira olumweyawuliddeko nga atebenkede ku Arushiye (Namulondoye) era olutumbiira olweyawulidde obusobozi bwe yekka olutayingiramu busobozi bwa kitonde kyonna. Nti era atumbidde olutumbiira oluleka buli kintu kyonna nga yakikaka tewali kiyinza kumulema era tewali kiyinza kufuluma mu bwakabakabwe Allah.

Era nti Allah oyo atebenkede kunamulondoye olutebenkera olweyawulidde ekitiibwakye n'obunene bwe ewamu n'okutumbiira kwe okweyawulidde n'okubeera waggulu owensusso, okumanyakwe kw'ebyo byonna ebitambula munsi kubyetoolodde munda wabyo nekungulu wabyo nensi yennyini waggulu waayo ne wansi waayo. Era ali wamu n'abaddube n'okumanyakwe amanyi embeera zaabwe zonna era nga ali okumpi era omwanukuzi wooyo yenna abeera amusabye. Era n'okkiriza nti simwetaavu eri ekitonde kyonna mubitondebye so nga byo ebitonde byonna gy'ali y'eri obwetaavu bwabyo mukubitonda, n'okutonda ebyetaago byabyo mu buli kiseera. So nga tewali n'omu abeera nga simwetaavu gyali mubitonde bye wadde olutemya lweiiso olumu, era ye musaasizi ow'ekisa ekingi oyo

ewatali kyengera kyonna omutonde kyalina okujjako nga kiva gyali Allah, era Yye y'aleeta ebirungi ate era yajjawo ebizibu, era kulw'okusaasirakwe kwekubeera nga akka mu buli kiro bwewaba wasigadde ekimu ekyokusatu eky'ekiro nakka kuggulu lino eryokunsi n'akowoola nti abange mu mwe, mulimu ankowoola mwanukule? Mu mwe mulimu ansaba muwe? Mumwe mulimu anenenyeza musonyiwe? Okutuuusiza ddala ku Alfajiri (Emmambya) Iwevaayo, nga n'okukka kuno akka olukka olumweyawuliddeko, era ye Allah yemulamuzi alina okulamula okwawaggulu mu kussaawo amateekage n'okugerakwe, talina ky'agera nga talina kigendererwa, era talina teeka lye yassaawo okujjako nga aligenderedde okuleeta emigaso eri abaddube n'okubatangira akabi kebeyinza okufuna, era Allah akkiriza okwenenya era omusonyiyi akkiriza okwenenya kw'ebibi omuntu by'aba akoze n'okusonyiwa abenanya gyali kagabeere amazambi amanene eri abo abamusaba okubasonyiwa nebadda gyali.

Era Allah asiima neyebaza akanene n'akatono mu mulimo era kagube omutono ate ye nagusasula empeera ennene, era nayongeza abamwebaza empeera ennene mubirungibye. Era omukkiriza

ow'amazima atenda Allah n'ebitendo ebyo byeyetenda nabyo Allah oba byeyamutenda nabyo omubaka muhammadi (SAW) mubitendo bye ngayye kennyini nebitendo ebyebikolwabye gamba okumutenda n'obulamu bujjuvu, n'omutenda n'okuwulira n'okulaba, n'omutenda n'obusobozi obujjuvu kubuli kintu, n'omutenda n'obugulumivu n'omutenda n'okwegulumiza, n'omutenda n'okutenderezebwa n'omutenda n'ekitiibwa n'omutenda n'obulungi wamu n'obujjuvu wamu n'amatendo aga waggulu.

Era omukkiriza akkiriza ebyo byonna Allah byeyassa mu Quran ne zibiddinjana sunna gamba nga okubeera nga abakkiriza bagenda kulaba Katonda wabwe mu jjana olulaba era nti ekyengera ky'okulaba Katonda waffe kye kyengera ekisinga obunene era ekisinga okubeera ekiwoomu mubyengera byomujjana byonna nga kw'otadde n'okusiiimbwa kwa Allah. Era omukkiriza ateekwa okukkiriza nti yenna afa nga talina nzikiriza ntuu fu era talina kwawula Allah oyo agenda kubeera mu muliro Jahannama emirembe n'emirembe.

Era nakkiriza ate bo ababeera bakoze amazambi amanene mubakkiriza abalina Tawhiidi nti bbo

wadde bafudde nga tebenenyezza nebayingira omuliro naye olwenzikiriza entuufu ne tawuhidi byebaafa nabyo tebagenda kubeera mu muliro mirembe na mirembe.

Era tewali n'omu agenda kusigala mu muliro olwokuwolelezebw oyo yenna eyalinamu ekigero kyobukkiriza ekyenkanankana akapapajjo kentende okujjako nga alijibwamu mu muliro. Era olina okumanya n'okukkiriza nti obukkiriza butwaliramu omutima kyegukkiririzaamu n'ebiyogerwa n'ebikolwa byebiyungo, omuntu akoze ebintu bino byonna mungeri ennungi era enzijuvu oyo abeera mukkiriza owanamaddala oyo asaanira okufuna empeera era n'awona ebibonerezo, ate oyo abeera akendezezzaamu ekintu kyonna kyaba akendezezzaamu, nabwebutyo obukkirizabwe bukendeera ekigero ekyo okusinziira kukyakendezezza.

Era nabwekityo tukkiriza nti obukkiriza (Imaan) erinnya ate n'ekka. Erinnya kulwokutya Allah n'okukola emirimo emirungi, n'ekendeera kulwokujoooga Allah olwokukola ebikolwa ebibi(amazambi). Era atekwa okukkiriza nakakasa omukkiriza nti nabbi Muhammadi (SAW) muddu wa

Allah era mubaka we yamutuma n'obulunjamu n'eddiini eyamazima agyo lese ebeere waggulu w'enzikiriza neddiini zonna era y'alina okuwebwa ekifo ekisooka eri abakkiriza nga bamukulembeza ku bintu byonna wadde ku mitima gyabwe.

Era nakkiriza nti y'owenkomerero muba nabbi, yatumwa eri abantu n'amajinni nga musanyusa era nga mutiisa era nga mukowooze akowoola abantu okudda eri Allah kulw'obuyinza bwa Allah ate nga era taala eyakaayakana.

Ya mutuma Allah kulw'okulongoosa eddiini ne dduniya abaddu be Allah bamusinze mu bwomu bwe nga tebamugattako kintu kirala kyonna era b'eyambise ebyenfuna ebyo okutuukiriza omulimo ogwo. Era omuddu amanye nti Nabbi Muhammadi (SAW) ye mumanyi asinga ebitonde era abasinga amazima, era asinga okubuulirira era asinga okunyonnyola. Bw'atyo n'aba nga amugulumiza n'amwagala era nakulembeza obwagazibwe eri nabbi (S.A.W) ku bwagazi bw'alina eri ebitonde ebrisigadde byonna, era bwatyo n'amugoberera mubikolo by'eddiini ye n'amatabi gaayo nakulembeza okulunjjam'y'akwe ku kigambo n'okulunjjamya kw'omuntu omulala yenna.

Era nakkiriza nti Allah yamukunjanyizaako ebirungi ebyenjawulo (n'obutuukirivu) obujjuvu bw'atakuunjanyiza ku mutonde mulala yenna, ye ow'ekitiibwa yennanyini mpisa ez'awaggulu era asinga abatonde bona ekitiibwa era abasinga obujjuvu mu buli kirungi tewaliyo kirungi kyeyalekayo natakibuulira bantu ba Ummah ye ate era tewali kibi okujjako yakinyonyola era naky'ekesa abantu ba Umma ye.

Era omukkiriza atekwa okukkiriza buli kitabo Allah kyeyassa nabuli mubaka eyatumwa oba nabbi abo betwamanyaako ne betutamanya era tetwawula wakati w'omu mubo ababaka mukubakkiriza era n'okukakasa nti obubaka bwabwe bwonna bwali buli kunsonga eno nga nayo kwekusinza Katonda omu nga tagatibwako kintu kirala kyonna.

Era alina okukkiriza okugera kwa Allah kwonna era nakakasa nti emirimu gy'abaddu gyonna gyebakola emirungi n'emibi gyonna kugyetoolodde okumanya kwa Allah. Era ekkalaamu yagiwandiika era gikolebwaa lwakuba okwagala kwe mukukolebwaa kwagyo kwakulembera, olwa hikimaye (gyeyesigaliza) era yatonda abaddu lwa busobozi nokwagala ebyo ebisinziirwamu ebigambo byabwe

n'ebikolwa byabwe bigwawo kulwokwagala kwabwe wabula nga tebakakkiddwa kubyogera oba kubikola wabula yabawa Allah okweyawulirawo kubyo, so nga yayawulira abakkiriza abannamaddala mubo, n'abaagazisa obukkiriza era nabawunda mu mitima gyabwe ate nabatamya obukaafiiri n'obujeemu n'obwonoonefu olw'obwenkanya bwe Allah ne hikimaye.

Era kiri mubikolo bya ddiini yamukkiriza nti akola eddiniye nga agitambuliza ku kubuulirirwa n'ekitabo kya Allah ne sunna z'omubakawe Muhammadi (SAW) wamu n'abakulembeze babasiraamu nabonna era nga alagira empisa ennungi n'okuziyiza emize emibi okusinziira kw'ebyo shariya y'obusiraamu by'eyigiriza. Era yettanira nnyo okuyisa obulungi bakadde be ababiri n'okuyunga enjanda, n'okuyisa obulungi abernjanda wamu ne balirwaanaabe, n'abo bona abamuvunanwako okubayisa obulungi n'okulongoosa gyebali mubatonde bona.

Era omukkiriza alina okukowoola abantu eri okweyisa mu mpisa ennungi n'okubaziyyiza okweyisa mu mpisa embi. Era ateeqwa okukkiriza nti asinga abantu bona okubeera n'empisa enzijuvu mubakkiriza n'okukasa obusiraamu y'oyo abasinga okukola

emirimo emirungi n'empisa era abasinga okwogera amazima mubigambo bye era abasinga obuluunjamu ku buli nsonga ennungi, era abasinga okwesamba buli kikyamu.

Era alina okumanya nti okulwana mu kkubo lya Allah weekuli era kugenda mu maaso n'okuberawo okutuusa Allah Iw'alizingako ensi eno, era n'akimanya era nakkiriza nti Jihadi eyo lyebanga elyolesa obusiraamu okulengererwa waggulu n'okubeera nga bwe bwawaggulu, nga yo ohadi yokunoonya okumanya n'obujulizi ne Jihadi yekitala yateeka ku buli musiraamu wabeera yetagisizza okubeera nga olwanirira n'okutaasa eddiini nabuli kyonna ekisoboka n'obusobozibwe, era nga ebeera wansi wamukulembeze omulongoofu (Imaam) n'omwonoonefu singa Imaam oyo ayimirizzaawo obulombolombo bwayo era nezituukirira ensonga ezigiteekesaawo.

Era kiri mubikolo bya ddiini okwenyweza okwekuuma n'okuwankira wankira obumu bw'obusiraamu n'okukola kawefube w'okusembeza n'okugatta emitima gyabwe, n'okwewalira ddala enjawukana n'okuwalaggana n'okunyigagana n'okwewala ekkubo

lyonna erireeta ebizibu bino mu Ummah  
y'obusiraamu.

Era n'okwewala embeera yonna ereeta okuyiwa omusaayi n'okwonoona n'okusanyawo emmaali yabwe nebitiibwa byabwe wamu n'okutyoboola hakki zaabwe endala. Era asaana omukkiriza okubeera omwenkanya nga alina enkolagana ennungi nebasiraamu banne mpaka n'abatali basiraamu (oba abalumbagana obusiraamu oba basiraamu) era nga bw'ateekwa okukkiriza nti emirembe (Umamu) gyonna egy'abanabbi guno ogwa nabbi Muhammadi (SAW) gwe mulembe ogujisinga gyonna, ate abasinga obulungi mugwo beba Swahaba ba nabbi (SAW) naddala abasigire abana (ba Khalifa), n'abo ekkumi Allah beyasanyusa ne Jjana, nabonna abaalwana olutalo lwe Badiri n'abo abaawa obweyamu bwabwe wansi w'omuti olw'eyama olumanyiddwa nga (Baya-al Ridhiwan) era naabo abaakulembra mu baasooka mu baasenguka okuva e Makka okugenda e Madiina abamanyiddwa nga (ba MUHAJIRUUNA) naabo abaabaniriza nebabataasa banna Madiina abamanyiddwa nga ba (ANISWAR), bwatyo omukkiriza ateeekwa okubaagala ba Swahaba bano era nga eno nsonga kwakolera eddiiniye,

n'ajanjawaza ebirungi byabwe nga aboogerako era naasirika neyeewala okuyingira mw'ebyo ebiboogerwako nga bibatyoboola nga ebyagwawo wakati wabwe.

Era akola eddiiniye n'okuwa ekitiibwa abamanyi abalunjamu, n'abakulembeze abenkanya mubanannyini biragiro, n'abo bona abalina ebifo ebyawaggulu mu ddiini era abalina obulungi bwebakolera eddiini obudda eri abasiraamu n'okubasabira Allah abataase abakingirize okubeera n'okubuuusabuusa mu ddiini era abakingirize shiriki n'obunnanfuusi n'emize emibi n'okubasabira abanywereze ku ddiini ya nabbi wabwe Muhammdi (SAW) era kw'aba abattira.

Ebyo bye bikolo eby'awamu byebakkiriza abagoberezi b'ekibinja ekyokuwona era kwebakowoolera abantu.

## **Ebirimu**

EBIKOLO BYA AQEEDAH .....	3
Tawhiid n'emiteeko gye.....	3
1. TAUHEED ALRUBUBIYYAH.....	4
2. TAUHEED AL-ULUHIYYAH.....	6
3. TAUHEED AL-ASMAA_I WASWIFAAT .....	8
Ekigambo kino kiyina empagi bbiri; .....	13
Obukkiriza n'empagi zabwo .....	27
SHIRIKI N'emiteeko gye .....	50
Obulambalamba bwenzikiriza y'ekibinja ekyo eky'okuwona. ....	54